**18th June 2017.**

## OKUDDIBWAAMU KW'OKUSABA KWA DANYERI.

**Danyeri 9:20-27.**

Amakya ga leero ge tweebaliza nnyo Mukama olw'obugabirizi bwe n'obukuumi bwe gye tuli ottutuusaako, mu kweyongerayo mu nsomesa zaffe mu kitabo kya Danyeri mwe tuli mu ssuula 9 mwe tuludde nga tuyigirizibwa ku kusaba, leero tunaagyaamuka n'okuddibwaamu kw'okusaba kwe mu ngeri ekakasa nate obuyinza, ekisa n'okwagala bya Mukama Katonda waffe.

Mu ngeri ekakasa ekigambo kya Mukama ekyaweebwa nnabbi Isaaya, mu ssuula 65:24 nti "Nga tebanakoowoola ndibaddamu, nga bakyayogera bati mbaddemu."
N'engero 8:17 lugamba nti…….
Tusoma bwe gwaali eri Danyeri mu lnny. 20 nti……….

Ekitundu kyaffe tunaakyetegerezamu ensonga enkulu bbiri; Ng'esooka z'embeera Danyeri mwe yali, n'ey'okubiri nga bwe bunnabbi obutereevu ate obwakasinga okugerebwa ku bwonna Mukama bwe yali awadde mu byawandiikibwa bye eri abantu.

Ku nsonga esooka, tulaba nti Danyeri yali ng'akyasaba, ali mu kwatula, n'okwegayirira Mukama Katonda we nga bwe tugambwa mu lnny.20…..
Olwo n'alabikirwa Malayika mu ndabika y'omusajja….lnny 21……..
Yamugamba nti yali azze okumuwa amagezi n'okutegeera…lnny 22
Era okwo kwe kwaali okuddamu kwa Mukama gyaali…..lnny 23…….
Bwe tusaba Mukama Katonda obutaweera mu butereevu tuweebwa n'okusinga ebyo bye tumusaba, era ky'ekigambo kye mu Baefeso 3:20 nti "Kale oyo ayinza okukola ennyo okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza, ng'amaanyi bwe gali agakolera mu ffe."

Ensonga ey'okubiri gye tunaalaba mu bufunze so ssi mu bulambukufu kuba ssi nnyangu kunnyonyola kutegeera bwe bunnabbi obwa Wiiki ensanvu.

Kino kiseera kya myaka ekigere okuba emyaka 490, Mukama gye yateesa mu kwagala kwe okkoleramu ebyo ebigambibwa mu lnny. 24.

Tusome nga bwe nsaba Omwoyo wa Mukama okututegeeza buli omu ky'alina okubifunamu…..